**15th September 2019.**

## OBUWEEREZA OBUTUUKIRIZA MU KRISTO YESU.

**Abakolosaayi 1:24 – 2:5.**

Oluvannyuma lw'okulaba mu kusomesebwa kwaffe okwaggwa omulundi guli mwe twasemba okusomesebwa mu kitabo kyaffe, eky'ebbaluwa ya Paulo Omutume eri Abakolosaayi, "Obweetaavu bw'okunyweera mu Kukkiriza", nga bwe gwaali omulamwa gwaffe, mwe twaakubirizibwa okwekebera tulabe obanga tuli mu kukkiriza; kubanga tumanyi nga Yesu Kristo ali mu ffe, Olwo tube abakakasibbwa. N'era tweyongerenga okunywerera mu kulondebwa kwaffe ne mu kuyitibwa kwaffe. Kubanga bwe tunaakolanga bwe tutyo tetulyesittala n'omulundi n'ogumu." Nga bwe bwaali obuweereza bw'Omutume Paulo bwe yakikomekkereza mu lunnyiriri 23…….
Leero tulaba nga Paulo ayanja obuweereza obwo bwe yalina awamu ne banne, era obutugwaanidde fenna, "Obuweereza Obutuukiriza Mu Kristo Yesu.
Bwe tusoma ekitundu kyaffe…..

Engeri gye kyaali nti Omutume Paulo yali tasisinkanangako ab'oluganda b'eKolosaayi, wadde ng'obuweereza bwe bwe bwaali bubaleetedde okuba abakkiriza era abagoberezi mu Yesu Kristo okuyita mu muyigirizwa we Epafula, yabanjulira obuweereza bwe gye bali, wewaawo basobole okumatira by'ababuulirira mu bbaluwa ye eno, nga bwe kyaali nti yali akontana n'abayigiriza engigiriza enkyaamu, abaaali babayingiridde okubakyaamya okuva mu mazima amatereevu ag'obulokozi mu Kristo Yesu.

Lnny. 24 Okusooka yabategeeza nti okubonaabona kwe, kwe yaliko mu kkomera gye yali, kwaali tekumunakuwaza, wabula kumuleetera essanyu, kubanga kwaali mu Mukama, era kwaalina ebigendererwa bya Mukama eri okwagala kwe okutuukirizibwa olw'enjiri. Abayigiriza abakyaamu baali bafuba okubategeeza nti olw'okuba omusibe, kyali tekigwaana kuwulirizanga ngigiriza za Paulo, musumba waabwe Epafula ze yali abasomesa, kubanga laba – n'okuba musibe mu kkomera, osanga muntu mukyaamu…..
Kyokka nga bwe yagamba mu Bafirippi 3:10,11 Paulo yali mumalirivu ng'agamba "Njagala okussa ekimu mu bibonoobono bye, nga mmufaanana mu kufa

kwe, mmumanye era ntegeere amaanyi g’okuzuukira kwe, nga nsuubira nga nange ndizuukira.”
Era nga banne Abatume abaasooka mu buweereza bwe tulaba mu Bikolwa By’abatume essuula 5:41, nti baasanyuka kubanga baasaanyizibwa okukwatibwa ensonyi n’okubonaabona olw’Erinnya lya Yesu Kristo.
Ate Peetero yagamba mu I Pet. 4:16 nti “Omukkiriza bw’abonyaabonyezebwa olw’okuba Omukristaayo aleme kukwatibwa nsonyi, wabula yeebazenga Katonda olw’okuba owa Kristo.”
Ne Yesu Kristo Mukama waffe kkennyini yagamba mu Matayo 5:10-12 nti “Balina omukisa abayigganyizibwa olw’obutuukirivu, kubanga abo obwakabaka obw’omu ggulu bwe bwabwe.”"Mulina omukisa mmwe, bwe banaabavumanga, ne babayigganya, ne baboogerako ebibi ebya buli ngeri, ne babawaayiriza, nga babalanga nze. Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yammwe nnene mu ggulu, ne bannabbi ab’edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo."

N’olw’ekyo essanyu lye ly’alina ekinyusi, era baalina okkitwaala ng’akabonero k’obutuufu bw’obuweereza bwe gye bali, era nga bwe yakyogera mu lnny. 25…., yagendanga akikakasa nga bwe gwaali eri Abaefeso 3:1-13…….
Ebyo era byayogerako mu nny. 26 ne 27……..
Tujjukire nti bwe yakwaatwa mu Yerusaalemi nga bwe gwaali mu Bik.By’Abat. 22, kyaali luvannyuma lw’akukyasanguza nti yali wa kubuulira abamawanga okuba n’obusika mu bw’akabaka bwa Katonda…

Kitugwaanidde okukyeetegereza nti okubonaabona kuno Omutume kwe yali ayogerako tekwaali kujjuza kwa Yesu Kristo, mu kusasula mutango gwa bibi, kubanga okwo kwaali kwaatuukirizibwa ddala, wabula kwaali kutabaganyizibwa nakwo, nga bwe gwaali era bwe guli, nti ekkanisa mubiri gwa Yesu Kristo…..
II Abakko. 1:3-7 zigamba…….

Obuweereza bwa Paulo essira bwaalissa ku Kristo…….lnny. 28…….
Nga bwe yali yategeeza Abakkolinso mu I Abakk. 2:1-5 “Bwe najja gye muli ab’oluganda sajja gye muli na bumanyirivu mu kwogera wadde amagezi nga nangirira ekyama kya Katonda gye muli. Kubanga nasalawo obutamanya kintu kyonna mu mmwe wabula Yesu Kristo oyo eyakomererwa.

Bwe nnali nammwe nnali munafu, nga ntya era nga nkankana nnyo. Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu, okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda."
II Abakk. 4:5 "Kubanga tetweyogerako wabula Kristo Yesu Mukama, naffe tuli baddu bammwe ku lwa Yesu."

Ebyo bye by'amuleetera okusikirizibwa okutegana n'okufuba nga bw'agamba mu nny. 29- 2:1……..
Kuno mwe mwaali okubasabiranga obutaweera nga bwe twaalaba, era bwe yayigiriza Epafula nga bwe tutegeezebwa mu ssuula 4:12……
Kuno kwe kusaba okunyiikiridde, nga bw'agezaako okukyanja….. okukooya n'okukooya…..
Mwe mwaali okufuba okubalabulanga…..

Era ekigendererwa ekikulu eky'obuweereza bwe, kyayanja mu nny. 2 – 5…….
Okubazzaamu amaanyi ; era bagattibwe wamu mu kwagalana……
N'okutegeerera ddala obugagga bwonna obuli mu kumanya ekyama kya Katonda, ye Kristo……
N'era waleme kubaawo n'omu ababuzaabuza. Kubanga ddala mu Kristo mwe mukwekeddwa eby'obugagga byonna eby'amagezi n'okumanya……..

Ekirungi nti waaliwo obujulizi obwaali bumuweereddwa ……..Lnny. 5………..

Naffe, oba tukikola eri omu, babiri, oba basatu, oba eri ekibiina, kitugwaanidde okuyigira ku Paulo Omutume obuweereza obutuukiriza mu Kristo Yesu, tubujjumbire, nga Mukama bw'atuwa ekisa….